

# **OBUYIGIRIZWA KITWALA KW'OLESEBWA NA KWETEGEKA EKITABO EKY'OKUJJUZAMU**

"Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo" (Matayo 28:19-20).



Craig Caster

*Discipleship Takes Vision and Strategy in Luganda*

# **OBUYIGIRIZWA KITWALA KW'OLESEBWA NA KWETEGEKA**

**FAMILY  
DISCIPLESHIP  
MINISTRY**

**CRAIG CASTER**  
**FDM**  
•WORLD

## **OBUYIGIRIZWA KITWALA KWOLESEBWA NA KWETEGEKA.**

### **EBIRIMU**

ENYANJULA.....	4
OMUYIGIRIZWA WA LEEERO .....	5
OKULAMBIKA OBUKULU BW'ENKOLAGANA .....	8
OKUTEGEERA OBUYIGIRIZWA OBW'AMAZIMA.....	11
OKUKOLERA KU KY'OKULABIRAKO KYA KRISTO.....	16
YIGIRIZA BULI MUKULEMBEZE .....	18
YIGIRIZA BULI MUKKIRIZA.....	21
OKUTANDIKA.....	26
OMULANGA OGW'OKUTEKA MUNKOLA .....	27
EBIKWATA KUMUWANDIISI.....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>
EBIKWATA KU BUWEEREZA BW'OKUYIGIRIZIBWA KW'AMAKKA .....	<b>Error! Bookmark not defined.</b>

## ENYANJULA

Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa nga mubabatiza okuyingira mulinya lya kitaffe, no'mwana, n'omwoyo omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nabala gira mmwe: era, laba nze ndi wamu namwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo. (Matayo 28:19-20)

Obuyigirizwa kuyaayana kwa mutima gwa Katonda eri abaana be. Tukimanya tutya? Matayo 28:19-20 erambika okufuula abayigirizwa nga ekiragiro kya Yesu ekisembayo eri abatume be nga tanagenda mu ggulu. Obuwereza bwa Family Discipleship Ministries (FDM) butwaala ekiragiro kino nga kikulu era bubadde bunyweza abasumba n'abantu babulijjo okumala emyaka mingi. Ekigendererwa kyaffe mu kitabo kino, kwe kuyamba abasumba okufuna okwolesebwa kw'obuyigirizwa n'okuzimba entekateka egendereramu okuyamba ekibiina ky'abakkiriza babwe. Munkomerero twagala kuyamba abakristaayo bakule mu kukkiriza kwabwe era bayige okufuula abalala abayigirizwa, bwe batyo batuukirize ekiragiro ekikulu.

Ekitabo kino kiri ku mulamwa gwa baibuli ku nsonga enkulu, n'obwetavu obw'enkola enungi ey'okufuula abayigirizwa. Tutegeera ebizibu abakulembeze ba makkanisa bye basisinkana mu mpisa y'obukristaayo etakyalimu kuyaayana leero, era tumanyi nga kyandiba kizibu okusalawo nkola ki ey'okufuula abayigirizwa eyinza okutekebwa munkola mu makkanisa gabwe. Emirundi mingi abakulembeza be kkanisa bawaba ku kulowooza nti bye babuulira ku kituuti bimala, oba balowooza nti okuteekawo obuwereza obuwerako nti kye ky'okudamu, oba nti okukunjaana okwo mu maka kye kijja okuyamba, ne bakirekera abakulembeza abatalina bumanyirivu na kutendekebwa. Obuyigirizwa okubeera obwanamaddala, walina okubaawo okwolesebwa, n'enkola, n'enteekateeka enambulukufu, nga tebijja kukoma ku kunyweza bakkiriza mu kkanisa yo kyokka naye n'okwongera ku bungi bw'abakkiriza. Kino, ekiragiro ekikulu kye kitegeeza - kuzimba na kugaziya bwakabaka bwa Katonda.

Tusaba nti ekitabo kino kijja kutegeeza endaba ya Katonda ku bukulu bw'obuyigirizwa, era n'obwetaavu obw'okussa munkola okwolesebwa n'enkola enambulukufu eri ekkanisa yo – okusookera ddala eri abakulembeze bo, ate n'eri ekisibo. Era tusaba nti okuyayaana kwa Katonda okw'obuyigirizwa obwamazima kufuuka okwolesebwa okwe kkanisa yo n'okubeera ekyo ekikuvuga okugenda mu maaso. Mukama awe omukisa okutegana kwo n'enteekateka zo.

## OMUYIGIRIZWA WA LEEERO

Mukama waffe Yesu nga tanagenda mu ggulu, yalagira abatume okufuula abayigirizwa, n'okusomesa abatukuvu okukwata byonna ebiri mu kigambo kya Katonda. Enkola eno yasooka kulagibwa Yesu mu buweereza bwe eri abantu, oluvanyuma n'abo abaamugoberera okutondawo ekkanisa eyasooka. Ng'abagoberezi ba kristo, tulina kakaano omulimu gw'egumu – okufuula abayigirizwa n'okubasomesa Katonda ye ani era tubeerawo tutya ku bubwe. Ekyo kye Kiragiro kyawa abakkiriza bona okugoberera okutuuka ku nkomerero y'emirembe – era ogwo gwe mulamwa gwaffe nga tukyali wano kensi. Naye amakkanisa ameka kakaano agatambulira ku bulamba bw'okutegeera ekiragiro kya Yesu? Eky'ennaku, si mangi! Kiki ekigenda mu maaso? Ani, oba kiki eky'okunenya? Obukulembeze bwe kkanisa buyinza okussa okunenya kw'embeera eno ku bunafu bw'abakkiriza oba n'obutali bw etegefu kugondera kwagala kwa katonda bwe basisinkana ebikemo eby'ensi mwe tubeera. Naye ekizibu kyenyini si bwe bunafu oba ebibeera ebweru we kkanisa zaffe oba amakka gaffe-wabula ebyo **ebitabeera** munda mu makkanisa gaffe oba mu maka gaffe.

Tutadde wansi mubufunze ebizibu bisatu ebiri mukufuula abayigirizwa:

1. Obutategeera nteekateeka ya Katonda ey'okusengekamu enkolagana zaffe okusinzira ku bukulu bwaazo.
2. Obutategeera buyigirizwa obw'amazima mubujuvu bwabwo.
3. Obutaba nakigendererwa mu makkanisa gaffe ne mu maka.

Katunyonyole bino kati:

### **Obutategeera nteekateeka ya Katonda ey'okusengekamu enkolagana zaffe okusinzira ku bukulu bwaazo.**

Ekklesia embuulizi z'enjiri, zinyweza Matayo 28:19-20 ng'ekiragiro kya Yesu ekikulu, okunoonya n'okulokola abantu okuyita mu kubuulira enjiri. Naye embeera y'omwoyo mu bakkiriza bangi mu mubiri gwa Kristo, eraga ekifaananyi eky'ennaku nti abakristaayo batono abayigiriziddwa obulungi. Tebamanyi kye kitegeesa okulabirira ebintu Katonda by'abawadde mu nteekateeka entuufu ey'okukulembeza enkolagana enkulu mu bulamu babwe; Kye kino nti, "okukwatanga byonna bye nablagira mmwe" basobole okubeera obulungi ne Katonda, n'abagalwa babwe mu bufumbo, n'abaana, n'abantu abalala mu kukulakulana.

Olwa leero, abakristaayo bangi tebatambulira mu maanyi ga Katonda kubanga tebamanyi mugaso na bwetaavu bwa kubeera mu Yesu buli lunaku (Yokaana 15:7). Olwa kino, amaka g'abakristaayo gakungula ebibala ebikyamu olw'okuleka ekyo. Tukirabira ku muwendo gw'okwawukana kw'abafumbo ogugobagana n'ogwo ogw'abatali bakkiriza era tukirabira ne mu baana baffe. Abaana bangi mu maka g'abakkiriza bakozesa ebiragalalagala, banya omwenge, benyigira mukibi ky'okwegadanga mu bukyamu, n'enkolagana ezitali ntuu. Okwewaggula, n'obutasaamu kitibwa bazadde na babuyinza kati kitwalibwa nga mpisa ya bulijjo mu bavubuka, ate era ne mu kkanisa. Amazima gali nti, abakkiriza bangi banafu mu mwoyo, era amaka gaffe gali mu buzibu obw'amaanyi.

Oluberyeberye, Katonda nga amaze okutonda Adamu ne Kaawa, yakola amaka. Kyeraga bulungi nti amaka kikulu nnyo gy'ali era kyanditwaliddwa nga ekisookerwako bwe kituuka kunkola y'obuyigirizwa mu kkanisa. Olwa leero amaka mangi mu kkanisa galemererwa. Abakkiriza tebamanyi biragiro bya Katonda bye yabawa okubayamba okuzimba n'okukuma amaka agalimu emirembe.

## Obuyigirizwa

Newakubadde ng'amakanisa tegabuusa maaso bizibu bino mu bugenderevu, tegalina kwolesebwa kwonna ku ngeri y'okuweerezaamu amaka mu ngeri ey'obuyigirizwa era tegannyonnyola makubo ga Baibuli agasobola okuyamba abakkiriza okutuuka ku bwanguzi. Katonda awala okulabirira ab'omu maka gaffe ng'ekintu ekikulu okusinga omulimu, eby'okwesanyusaamu, oba okuweereza mu kkanisa. Naye ate abakkiriza bangi tebabeerawo mungeri bweti, era tebayigirizibwangako ku mazima ga baibuli ku bulamu bw'amaka. Amaka bwe buweereza obusookerwako eri abaami n'abakyala, era Katonda ayagala tumanye era tugoberere ebiragiro bya baibuli bye yatuwa kungeri y'okutuukkiriza emirimu gino emikulu. Kitandika na maka.

## **Obutategera buyigirizwa obw'amazima mu bujuvu bwabwo**

Singa obuuza omukristaayo okukunyonyola obuyigirizwa, ayinza okugamba nti kwe kutendekebwa kw'abakkiriza abapy, ku bisookerwako eby'enjigiriza mu nzikkiriza. Kino, mu butuufu ky'ekisinga obukulu, naye kisukulumako awo. Okuyigirizibwa kitegeeza kuyiga kufaanana yesu —ngeri ki ey'okutambulira mu byonna bye yatuwa era n'atulagira okukola olw'ekisa kye. Kisubirwa nti omuyizi bw'anaakula, ajja kutandika okuyigirizwa abalala.

Mu Matayo 28:19-20, Yesu alambulula omulimu omukulu eri ekklesia - okubeera "ekiragiro ekikulu." Mbuuufu obw'amazima gano, tulowooze ku kibuzzo ekikulu. Bwekiba nga okufuula abantu abayigirizwa gwe mulimu omukulu eri ekklesia, Iwaki bangi ku bakkiriza leero tebamanyi omuyigirizwa y'ani era ki obuyigirizwa kye kitegeeza? Era bwe baba nga bamanyi, Iwaki tebaanukudde kuyitibwa okw'okubeera omu ku bbo?

Okugonda kwa mukama waffe kwali kutuukiriza kwagala kwa kitaawe. Enzivuunula y'ekiragiro ekikulu ekya Yesu leero, kirabikanga ekigamba nti, "Tutekeddwa okukola! Omuntu ow'ensi affa nga talina Kristo. Tutekeddwa okugenda okubabuulira ku Kristo." Kino kituufu nyo, naye ate tutekeddwa okukola kw'ebyo enyiriri endala 19-20 kye zigamba - ate "okusomesa?"

Kitugwanira okukola awamu ne Katonda mu kugondera okwagala kwe okujuju ffe nga abakkiriza era abagoberezi ba Kristo, nga tufuuka abayizi be kigambo kye, nga tukula mu kukkiriza buli lunaku, era nga twekebera ffeka okulaba oba nga ebigendererwa bya Katonda bikoleddwa muffle sekinoomu era ne munkolagana yaffe naye. Bwetuba nga twesiga Katonda okusisinkana ebyetaago byaffe, nga n'ebigendererwa byaffe biri wamu n'okwagala kwe, ajja kutugulirawo ekubo ffe okuyigiriza abalala. Kino ekiragiro ekikulu ekya Mukama waffe kye kitegeeza.

## **Obutaba na kigendererwa mu makkanisa gaffe n'amaka**

Obuyigirizwa si kya kwesalirawo. Amakkanisa gonna n'abakkiriza, batekeddwa okutegeera nti tuweeredwa obuvunanyizibwa obw'okufuula abantu abayigirizwa, okuyitibwa okw'amazima okuva eri Katonda, naye tebamanyi. Lwaki? Kubanga tebategeera mugaso mukulu n'engeri "ey'okuyigiriza" bweri. Yesu atubuulira ki kye kiri mu Matayo 28. Katwekanye.

"Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mu babatiza okuyingira mu linya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu, nga mu bayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mwe: era laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna okutuusa emirembe gino lwe girigwawo."

Ekyawandiikibwa kino kyali mu lulimi "Luyonaani" Ekitegeeza okufuula abayigirizwa.

Era ekiragiro ekiteegeza nti okufuula abayigirizwa, kikolwa ekyeyongera yongera okukolebwa. N'olwekyo Katonda atulagira okukola omulimu gw'okufuula abayigirizwa mungeri ey'obutasirisa. Buli mukkiriza mu buli kkanisa mu biro byonna aweebwa obuyinza okugenda okubatiza n'okuyigiriza. Naye si bwekiri olwa leero.

Kyetusisinkana kakaano, mu kwogera, kye kyawandiikibwa kino nga kiyigirizibwa mungeri y'okugabana enjiri ey'obulokozi n'abalala, mungeri y'emu n'okuzaama abantu amaanyi okufaayo eri obubuulizi bwe njiri nga obuweereza bw'ekikristaayo. Amakkanisa n'ebibiina ebibuulizi by'enjiri biyamba abakkiriza bwe bagenda mu mawanga okugabana amawulire amalungi eri abo abafiira mu kibi, era kino kirungi. Naye era waliwo amazima amakulu amalala agabikkulidwa mu lunyiriri luno agabadde gaabula mu bakkiriza ne mu makkaniisa leero. Tulina abantu kakaano abalafuubana munda mu makanisa gaffe ne mu maka gaffe, abeetaga omutendera gw'okuweereza kuno. Ekiragiro kya Yesu kitwalizaamu n'abo abatwetoolodde, so si abo bokka abali mu bifo ebye wala.

Ebizibu bino by'amaanyi era bizitowa. Yensonga Iwaki FDM egasse wamu enkola zo buyigirizwa ezigendereddwaamu okwanja ebyo. Katukulage engeri gy'osobola okutukiriza ekiragiro ekikulu mu makkaniisa ne mu maka gaffe.

## OKULAMBIKA OBUKULU BW'ENKOLAGANA

Kubanga tukkiriza nti omulimu gw'okufuula abayigirizwa gwa mugaso eri okukula Katonda kw'ayagala eri abaana be, tuwandiise ebitabo nga kino, nga Katonda bw'atulungamizza. Bw'oba tolina kitabo kirungi ku ngeri y'okufuula abayigirizwa mu kkanisa yo n'okunyonyola obukulu bw'okukkiriza, tukuwa akatabo k'ebisookerwako eby'omulimu guno akayitibwa "Omusingi Ogbobukristayo Ogw'Amazima: Omusingi Omunywevu Ogw'omuyigirizwa, akali ku mutimbagano ku bwerere ([www.FDM.world](http://www.FDM.world) oba [www.discipleshipworkbooks.com](http://www.discipleshipworkbooks.com)).

Engeri esatu obuwereera bwa FDM gye bukwatamu obuyigirizwa:

**Ekitundu 1.** Okulambika obukulu bw'enkolagana.

**Ekitundu 2.** Okutegeera obuyigirizwa obw'amazima.

**Ekitundu 3.** Okutwala eky'okulabirako kya Kristo okuyita mu nkolagana egwanira.

Yigiriza buli mukulembeze.

Yigiriza buli mukkiriza.

### Okulambika obukulu bw' enkolagana.

Ogumu ku migaso egisookerwako egy'obuyigirizwa obwadala y'engeri gye bukumamu abakkiriza nga bakolagana era nga buli omu afaayo eri munne, ekikwatagana n'ebyawandiikibwa. Katonda tatwagala kuwlira buwlizi kigambo, naye atulagira okukebra ebyawandiikibwa tubeere betegefu okuyamba abalala mu lugendo lw'okukkiriza kwabwe. Katonda era atugamba okwatulirangana ebibi byaffe buli omu eri munne, okusabirangana, era n'okuyambagana mu bulamu buno nga abakristaayo abagoberera Kristo. Okukola kino obulungi kyetagisa enkolagana ezisesebwamu okutabagana bulijo n'okuddamu okubeera awamu bulijo. Waliwo engeri entuufu ey'okukolaganamu newankubadde si buli muntu mu bulamu bwaffe nti azitowa oba nti wa mugaso kyenkanyi. Tulina okulambika obukulu bw'enkolagana nga buli wamu n'okwagala kwa Katonda. Baibuli nambulukufu ku ani alina okutwalibwa nga asukulumye kabalala, okutandika ne Katonda.

abantu bangi batwala emyaka nga basoma mu ma ssomero era nga batendekebwa. Banoonya engeri ez'okweyergerako n'ekirubirirwa eky'okuba obulungi na ddala mu mirimu egisoomoza. Tutendeka okuba obulungi mu by'emizanyo, eby'obulamu obwa bulijo, n'okusoma ku by'okukuma emibiri gyaffe nga miramu. Naye budde bwenkana ki na maanyi ki bye tuwaayo okumanya Katonda eyatutonda. Oyo asukulumye buli ngeri oy'obulamu wano ku nsi.

Nga abayigirizwa ba Kristo, tutekeddwa okutegeera engeri entuufu ey'enkolagana yaffe, era nate twetaaga okuyiga okutambulira mu bintu ebyo mungeri ey'obutuukirivu.

Okubeera omuyizi ow'ekigambo kya Katonda, kirimu okuyiga okudukanya obuvunanyizibwa bwonna Katonda bw'atuwadde mungeri entuufu. Kati bantu ki abo abakulu ennyo Katonda batuwadde okufaako? Ngeri ki entuufu ey'enkolagana yaffe? Katutunuulire ekyo kati.

### Enkolagana yaffe esooka enkulu y'eyo gye tulina ne Katonda.

Tunyweza enkolagana eno nga tutabagana naye buli lunaku, nga tubeera, era nga tuwaayo obudde nga tuli naye. Yesu bwe yamala okufa, ejiji lya yeekalu lya yulikamu okuva waggulu okutuuka wansi, ekitegeeza nti enjawukana wakati w'omuntu ne Katonda, yali etereezeddwa nga ejjiddwaawo.

Omuntu nga kati asobola okusisinkana n'okutabagana ne Katonda butereevu, okuyita mu kusonyiyibwa okufunibwa okuyita mu kufa kwa Kristo (Matayo 27:50-51). Kino kitegeeza tusobola okutuuka eri Katonda ffe ffenyini awatali kuyita mu muntu mulala, nga omwana bwatuuka eri Kitaawe.

Mu Yokaana 17, Yesu yasaba nti abayigirizwa be babeere n'enkolagana y'emu nga ye gye yalina ne Kitaawe. Enjogera eno elaga nti, "ffe nga abaana be tusobola okumuyita Taata," era tusobola okugenda gy'ali nga omwana bwa yavula okugenda mu maggulu ga Kitaawe okufuna okubudaabudibwa, okutabagana, n'omukwano. Abakristaayo basobola okukola kino nga bayiga bino:

- Obukulu bw'okufiisaawo obudde okubeera ne Katonda buli lunaku.
- Okwogera ne Katonda, okwebaza, okumutendereza, n'okusaba obuyambi bwe.
- Okusoma ekigambo kye olw'omugaso gw'okufuna ebiragiro okuva gy'ali era n'okutabagana naye.
- Okufumiitiriza kw'ebyo ebisomeddwa n'okunyweza mubirowoozo byaffe ebyo ebituyigiriziddwa.

Yokaana 15:7 etugamba, "Bwe mubeera munze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga." Okubeera mu Katonda kikulu mu kukula kw'obulamu bw'omukristaayo. Kino kitegeeza "okubeera mu ye bulijo; okubeera n'enkolagana ey'okumwesiga." Abakristaayo bwe bakola kino, Katondaasuubiza nti bajja kubala ebibala bingi! Bajja kukula mu mwoyo, era nga ekibala mu butonde bwe kirabikira ku muzabbibu. Yokaana 15:5 egamba, "Nze muzabbibu, mwe matabi: abeera mu nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: Kubanga awatali nze temuliiko kye tuyinza kukola." Yesu gwe muzabbibu, era ffe matabi. Ekibala kisobola okukula kyoka awatali muzabbibu? Ekyawandiikibwa kigamba, "awatali nze (Yesu), temuliiko kye tuyinza kukola." Tusobola kukula kyenkana ki mu mwoyo awatali ye? Tewali kye tuyinza kuzaala ku bwaffe. Twesigamidde ddala ku mwoyo omutukuvu owa Katonda, ku kigambo kye, era ne ku maanyi ge. Tutekeddwa okuyiga okubeera mu Kristo bwetuba ba kutuukiriza obuvunanyizibwa Katonda bwe yatuwa.

### **Bwoba Mufumbo, Omwagalwa Wo Akwata Kifo Kya Kubiri Ku Nkolagana Zonna Oluvannyuma Lwa Katonda.**

Kirambulukufu mu byawandiikibwa nti obufumbo kikulu eri Katonda, naye abagalana abakristaayo bangi tebamanyi kufaayo buli omu eri munne nga ekigambo kya Katonda bwe kiri. Omuwendo gw'abawukana mu kkanisa bwe bujjilizi ku nsong eno. Abaefeso 5, eyogera kungeri abaami n'abakyala gye balina okukolagana bwe baba bakubeera mu bufumbo obulungi.

Abakazi, muwulirenga ba bbammwe, nga bwe muwulira mukama waffe. Kubanga omusajja gwe mutwe gwa mukazi we, era nga Kristo bw'ali omutwe gwe kkanisa, bw'ali omulokozi ow'omubiri yennyini. Naye nga ekkanisa bw'ewulira Kristo, n'abakazi bwe batyo bawulirenga ba bbabwe mubuli kigambo. (Abaefeso 5:22-24)

Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, era nga Kristo bwe yayagala ekkanisa ne yeewaayo kulwayo; (Abeefeso 5:25).

### **Abaana Be Baddako Munkolagana Oluvannyuma Lwa Katonda N'abagalwa Mu Bufumbo.**

Okufaayo eri amaka gaffe kikulu nnyo eri Katonda, Kuba Katonda amanyi nti amaka amalungi gwe musingi gw'abantu abali awamu. Abazadde bangi bateeka enkolagana gye balina n'abaana babwe okusukuluma abagalwa babwe, ekintu ekikyaamu mu nsengeka y'ekolagana. Awatali bufumbo bunywevu, amaka gali mu katyabaga. Nga omutwe gw'awaka, Katonda alagira ba taata okutendeka abaana babwe mu makubo ga Mukama (Abeefeeso 6:4). Njogedde n'obubondo bwa basajja okumala emyaka. Ntera okubuuza ebibuuzo bino wammanga okulaga wetutuse okuva mu kuyigiriza Katonda by'ayagala ebikwata ku kulabirira amaka gaffe:

- Abasajja bameka ababadde n'omulimu okussukka emyaka kkumi? Bameka abaagenda ku ssomero oba abaafuna okutendekebwa okukola omulimu ogwo? (Abasinga bawanika omukono mukuddamu)
- Bameka abawulira obuvumu okutendeka omulala okukola omulimu ogwo? (Era bangi abawanika omukono)
- Bameka ababadde mu bufumbo okussukka emyaka kkumi? (Ebiseera ebisinga 75 ku kikumi bawanika omukono)
- Bameka abavumu ekimala okuyigiriza musajja munne okubeera omwami oba omuzadde okusinzirira ku kigambo kya Katonda? (Emirundi mungi tewali mukono guwanikibwa)

Mubufunze, mbuuza ekibuuzo ekirala. "Olowooza Katonda asinga kuffaayo nnyo kubumanyirivu mu mirimu gyo, oba kungeri gy'olabiriramu mukazi wo, omu ku bawala be?" Olunaku lumu tujja kuwa embalirira kungeri gye twalabiriramu obulungi obuvunanyizibwa Katonda bwe yatuwa.

Okuyamba abakulembeze n'abantu mu kisibo okutegeera engeri enkulu ey'ekolagana zaabwe lye ddaala erisooka ery'obuyigirizwa! Lwaki? Kubanga awatali njigiriza ngumu kungeri y'ekolagana enkulu, abantu bajja kwonoona amaanyi gonna n'ebiseera ku bintu ebitagasa kw'ebyo Katonda by'agamba nti bye bigasa. Bwetutereza ekitundu kino mubutuufu bwakyo, ebitundu ebirala byonna eby'obulamu bwaffe bijja kutereera. Kuba bangi kuffe kino kizibu. Naye kankuzemu amaanyi na kino:

"Si kugamba nti mmaze okukifuna oba nti mmaze okutuukirira, naye nfuba okukifuna, kubanga Kristo Yesu yanfuula owuwe." (Abafiripi 3:12)

Okujjukiza kuno si kumalamu muntu yenna maanyi. Kubanga tewali n'omu kuffe atuukiridde. Naye Pawulo agamba mu lunyiriri olwo waggulu, "nfuba," ekitegeeza okuteeka okwagala kwa Katonda ku mutima n'okwewaayo okukyuka gyebujja mu maaso. Ffena tutekeddwa okweyongera okuyiga n'okukola Katonda bya tulagira okusinziira ku kigambo kye. Omuyigirizwa yoyo eyewaayo okugoberera mukama waffe, n'ekigendererwa eky'okufaanana mukama we. Eri abakristaayo, okufuuka nga Kristo gwe mulamwa, era ekyo obuweereza bwa FDM mukuteekateka abayigirizwa kye bulambika.

## OKUTEGEERA OBUYIGIRIZWA OBW'AMAZIMA.

Kikulu nnyo okusinga ebirala byonna okuyigiriza abakulembeze n'abakkiriza mu kkanisa, ki obuyigirizwa ekituufu kye buli okusobola okutuukiriza ekiragiro ekikulu mu Matayo 28:19-20. Nate era, ekkanisa naffu nnyo mu ngeri y'okutwala ekiragiro ekikulu mu bantu baffe be nnyini, okusukkulumu ku kugabana enjiri nabo. Kyetaagisa kusomesa n'okuyigiriza n'okuzimba, okusobola okumanya, n'okugondera ekigambo kya Katonda. Kitekeddwa okumanyibwa nti omuntu asobola kubera muyigirizwa ng'amaze kusooka kuwaayo bulamu bwe eri Yesu Kristo; Matayo 28:19-20 eteeka essira ku kunyweza abatukuvu. Abo be bantu betunoonya—abatukuvu. Katutunuulire enyinyonyola y'ekigambo omuyigirizwa.

**Omuyigirizwa:** (Luyonaani) “Mathētēs,” Ekitegeeza omuyizi, naye kyeyongerako amakulu mundagaano empya. Omugoberezi yakkiriza ekiragiro ekimuweebwa n'akifuula eneeyisa. Mu lulimi oluyonaani, “Mathetes” gwe twandiyise omuntu atayiga buyizi bikusike okuva eri omusomesa naye n'ebintu ebirala nga empisa n'obufirosoofi (oba endaba ye bintu).

Mukino “Mathetes” gwe twandiyise “omuyizi” atatuula butuuzi mu kibiina okuwuliriza omusomesa, wabula oyo agoberera omusomesa okuyiga obulamu n'ebyma era n'okweyongera ne yeyongera okutwala embala y'omusomesa.

Mu bufunze omuyigirizwa ye tuyizi bwoba oyagadde, nga ekigendererwa kye kwe kutwala embala y'omusomesa. N'olwekyo omuyigirizwa wa Kristo, ye oyo agezaako okufuuka nga Kristo, mu mpisa, mu mbala, mu birowoozo ne mu bikolwa. Ekigambo omuyigirizwa kyogerwako emirundi 269 mu ndagaano empya, ekinyonyola omuyigirizwa omukristaayo mu ngeri nnya (4) ez'enjawulo:

### **1. Omuyigirizwa Ye Oyo Akiriza Yesu Kristo Nga Mukama We Era Omulokozi We.**

Naye bona abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinya lye. (Yokaana 1:12).

Okusinzira ku byawandiikibwa, omuyigirizwa ye mukkiriza agoberera Yesu n'okwewaayo. Oyo agwanidde okubeera omuyigirizwa alina okusooka okumanya nti mwonoonyi ali wansi w'omusango gwa Katonda (Abaruumi 3:23; 6:23); alina okwatula ekibi kye eri Katonda (1 Yokaana 1:9), alina okwenenya, n'okukyuuka okuleka ekibi kye (Matayo 3:2, 8; 4:17; Ebikolwa 2:38); era akkiriza nti okufa kwa Yesu ku musaalaba kwali kusasula kibi kye. Omuntu bwakkiriza Yesu mu mazima nti yakomererwa olw'ebibi bye, naziikibwa, nazuukira mu bafu nga baibuli bwe nyonyola, awo addizibwa mu nkolagana ne Katonda era aweebwa obulamu obutagwaawo mu kubeerawo kwe (Abarumi 10:9-10; 2 Abakkolinso 5:21; 1 Yokaana 2:1-2). Mu kiseera eky'obulokozi, omwoyo omutukuvu ayingira omuntu, era kino baibuli ekinyonyola nga okubeera n'endowooza ya Kristo munda (Ebikolwa 2:38). Tewali muntu ayinza kuba tuyigirizwa wa Kristo ddala era omwana wa Katonda awatali bulokozi nga entegeka ya Katonda bweri. Era kino kikulu nga toneeyongerayo kusomesa oba kuyigiriza, kubanga baibulu egamba “omuntu ow'omubiri oba atanakokola tasobola kutegeera bintu bya Katonda (1 Abakkolinso 1:14, 18)

### **2. Omuyigirizwa Muyizi Wa Kigambo.**

Fubanga okweraga ng'osiimibwa Katonda, omukozi atakwatibwa nsonyi, ayisa wakati ekigambo eky'amazima. (2 Timoseewo 2:15)

Obuyigirizwa

Awo Yesu n'agamba abayudaaya abaali abaamukkiriza nti bwe munywerera mukigambo kyange, nga muli bayigirizwa bange ddala. (Yokaana8:31)

Mungeri endala, omuyigirizwa awayo ebiseera ebimala okuyiga okwagala kwa Katonda ku buli nsonda zonna ez'obulamu. Kwe kwagala kwa Katonda buli mukkiriza okuyiga:

- Amazima ku Yesu ye Ani na biki byakoze.
- Engeri y'okubeera mu Yesu bulijjo.
- Omusingi ogwe nono ez'enzikkiriza yaffe eye kiskristaayo.
- Ebisuubizo byaffe nga abaana be.
- Engeri y'okutambulira mu butuukirivu.

Tusobola okuyiga ebintu bino nga tusoma ebyawandiikibwa.

### **3. Omuyigirizwa Yoyo Afuna Ekigambo Kya Katonda, N'ekigendererwa kyokugonda, N'okuteeka Munkola Ebyo Byayize.**

Naye mubeerenga bakozi ba kigambo so si bawulizi buwulizi, nga mwerimbalimba. (Yakobo 1:22)

Bwe mubeera munze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mwe, musabe nga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga. Mukino Kitange agulumizibwa, mubalenga ebibala bingi; era munaabanga abayigirizwa bange. (Yokaana15:7-8)

Bakristaayo bameka olwa leero abatwaala ekigambo kya Katonda nga eky'okukozesa okusalawo mu bye baagala? Bameka abategeera nti omulimu gwabwe kwe kuleetera Katonda ekitiibwa? Bakkiriza bameka abakozesa ekisa kya Katonda nga ekibatwala mu kubo ly'obujeemu? Tunakuwala olw'ebibi byaffe nga tufaayo nnyo ku kwenenya n'okugonda, oba twesasira olw'obutamanya bwaffe ne "nsobi" zaffe mu kwonona?

Leero mu Amerika, okunoonyereza kulaga nga abakristaayo amakumi ana ku buli kikumi (40%), bali ku ddagala eriweweza ku bwennyamivu oba okunakuwala. Mu myaka abbiri n'okweyongera gye mazze nga nzizaamu abantu amaanyi, nkizuudde nti abantu bangi abafuna embeera eyokunakuwala baba tebamanyi oba baba tebafaayo ku ki Katonda kyalaga mu kigambo kye. Waliwo empeera ey'okubeera mu bujeemu. Sitegeeza nti abantu bona abali ku ddagala eriwewweza ku bwennyamivu nti bali bweru wa kwagala kwa Katonda, naye okuwangalira mu embeera ezitatadde, mu busungu, obukaawu, okutya, n'endala ziretera okunakuwala.

Obulamu buyinza okuleetera puleesa esuse obw'olumu, naye yebazibwe Katonda alina eky'okuddamu. Bagalatiya 5:22 etugamba nti okutambulira mu mwovo kireeta obulamu obw'okwagala, essanyu n'emirembe.

Kino tekibeerawo mulundi gumu, naye kikula nga omuntu bw'anoonya okugondera okwagala kwa Katonda. N'olwekyo, kiki ekibaawo singa Omukristaayo, olw'obutamanya oba olw'obujeemu, tatambulira mu mukwagala kwa katonda? Okwagala, essanyu n'emirembe biwaanyisibwa n'okutabuka, okubuuusabuusa, okveralikirira n'ekivaamu kunakuwala. Naye oba oli awo okubonabona kwetufuna ktureetera okwekebera, okunoonya okwagala kwa Katonda n'okusonyiyibwa wetwawaba, olwo tutandike okukola okwagala kwe.

Ekigera ky'okubonaabona no'kukalubiriziba mu bulamu kya bulijjo, kisuubirwa era kirungi okutukyusa okutujja mu bibi byaffe, mu butamanya, oba ne mukweyawula ku Katonda. Katonda atuganya okubonaabona olw'ekibi era atubonereza n'embeera kubanga ye Taata omulungi, alina okwagala, omwesigwa mubisuubizo bye, okumaliriza omulimu gwe yatandika mu buli omu kuffe.

Era mwerabidde ekigambo ekibuulirira, ekyogera nammwe ng'abaana nti Mwana Wange, tonyoomanga kukangavvula kwa Mukama, so toddiriranga bw'akunenyanga; kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula, era akuba buli mwana gw'akkiriza. (Abaebbulaniya 12:5-6)

Nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo: (Abafiripi 1:6)

Omuyigirizwa alaba baibuli nga ekiragiro ekiva obuterevu ewa Katonda nga kigwanidde okugonderwa. Obujeemu bwonna obumanyibwa bwetaaga kwenenya era kyetagisa okukkiriza okw'okola okwagala kwa Katonda, okusaba, n'okwesigama ku maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu okutandika okutambulira mu butuukirivu.

#### **4. Omuyigirizwa ajja kwoleka, mu mbala, n'enneyisa okukyusibwa okw'oluberera era mu mpolampola Okudda Mu Kifaananyi Kya Yesu.**

Omuyigirizwa tasinga amuyigiriza: naye buli muntu bwatukiriziba aliba nga omuyigiriza. (Lukka 6:40)

Tetulibeera ba katonda nga amadiini agamu bwegayigiriza mu nsobi, era tetulituukirira nga Kristo: Ye kwe kubikibwako kwaffe olw'ekibi era olw'omwoyo we omutukuvu muffle, ebigambo byaffe n'ebikolwa byaffe bigwanidde okugulumiza Katonda mu buli biro. Okutendekebwa kutwaliramu okuyiga, okwewaayo n'okukola mu butuukirivu.

Kakaano tumanyi, kyekitegeeza okuba omuyigirizwa, na mbala ki gy'aba alina; naye kiki ekilala ekiri mubuyigirizwa obwa ddala?

Katutunuulire ekyo kati.

#### **Omuyigiriza y'ani?**

Mukama awa ebirabo ebyenjawulo eri abagoberezi be—abamu bayitibwa okubeera abasumba, abaweereza ba bavubuka, abakulembera abayimbi n'ebirala, naye buli mukkiriza ayitibwa okuyigiriza abalala. Kino kitegeza nti buli mukristaayo yetaga okutuuka ku ddaala nga akuze ekimala okuteeka ekigambo kya Katonda munkola eri ebyetaago bya bakkiriza abalala munkolagana, era okukikola bulijo n'ekigendererwa nga Yesu kye yalina.

Okuyigiriza kwekwatala obudde n'abalala oba omulala, okumala ekiseera mu bulamu, ng'obayamba okutegeera n'okugondera ekigambo kya Katonda, ng'obazamu amaanyi era nga ekisinga obukulu, obeera kyakulabirako gye bali.

Jjukira, Matayo 28:19, egamba "Mufuule abantu bona abayigirizwa." Munsonga eno, bona etegeeza bona, era kyekyo kye kitegeeza!

Abasumba, abakulembeze b'okusinza, abakulembeze b'okuyigiriza baibuli, oba n'abaweereza abalala bona bayawulibwa obutakola kuyitibwa kuno? Nedda. Katondaasuubira, n'okusingira ddala okuva mwabo abakulembera. Tunuulira ki ebyawandiikibwa kye bigamba ku kino:

Yesu agamba, "Mazima ddala, mbagamba nti, omuddu tasinga mukama we; newankubadde n'oyo eyatumibwa tasinga oyo eyamutuma." (Yokaana13:16)

Omutume Pawulo agamba, "Mu bigambo byonna nga weeraganga ng'ekyokulabirako eky'ebikolwa ebirungi; mukuyigiriza kwo ng'olaganga obugolokofu, okubaamu ekitiibwa" (Tito 2:7)

Mujjukirenga abo abaabafuga, abaababuulira ekigambo kya Katonda; era nga mutunuulira enkomerero yempisa zaabwe, mugobererenga okukkiriza kwabwe. (Abaebulaniya13:7)

Yesu ye musomesa eya singa, naye abayigirizwa baamubuzanga bulijjo, "Otegeeza ki?" Olw'okuba yali mwetegefu okubannyonyola, okuddamu ebibuuzo byabwe, kyalaga nti ebintu ebirala ebikwata ku buweereza, gamba ng'okuwonya oba okubuulira, tebyali bikulu okusinga okubayigiriza! Obulamu bwa Yesu bw'abikkula omugaso n'obukulu Katonda bw'ateeka ku kuyigiriza abalala. Mu Matayo 9:35-38, Yesu yagamba abatume okusabira abakozi abalala:

Yesu n'ayitayita mu bibuga byonna, n'embuga zonna, ng'ayigiriza mu makunganiro gaabwe ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka, ng'awonya endwadde zonna n'obunafu bwona. Naye bwetalaba ebibiina, nabisaasira, kubanga baali bakooye nnyo nga basaasaanye, ng'endiga ezitalina musumba. N'alyoka agamba abayigirizwa be nti, "Eby'okukungula bye bingi, naye abakozi be batono. Kale musabe omwami w'eb'yokukungula asindike abakozi mu by'okukungula bye."

Omukozi ayogerwako, yoyo akola eby'omyoyo, omuyigirizwa n'omuyigiriza. Buli mukkiriza, atuukiridde mu bigambo eby'omulimu guno ogw'obulokozi. Naye bakkiriza bamekka abagoberera Kristo mubwesigwa, batuukirizibwe okulembera, okuyigiriza, oba okubeera eky'okulabirako eri omuto mu kukkiriza? Buli mukristaayo asobola okukola omulimu mu ggye lino ekkozi. Yesu yalumwa ku lw'abantu abo luli era akyalumwa n'olw'aleero ku lw'abantu bebam. Yesu Kristo y'alokola omuntu era awo omulimu gwaffe wegutandikira, okubayigiriza bakule nga bwe yakola. Wewawo, kitugwanira okubuulira enjiri eyoobulokozi n'okuyita abantu okufuna Yesu Kristo naye ekirala ekyenkana obukulu kwe kufuula abayigirizwa! Tukikola tutya?

Okufula omuyigirizwa, kwekuyamba omulala okufuuka nga Kristo. Kitandika na bukulembeze.

Era oyo n'awa abamu okubeera abatume, n'abalala bannabbi, n'abalala ababuulizi, n'abalala abalunda, n'abayigirizwa; olw'okutuukiriza abatukuvu olw'omulimu ogw'okuweereza, olw'okuzimba omubiri gwa Kristo. (Abaefeeso 4:11-12)

Omulamwa guli nti, ng'abakulembeze b'ekkanisa babeera mubulamu bwa Kristo nga bagoberera enjigiriza za Kristo, basobola okusomesa n'okuyigiriza, nga bongeaayo okumanya n'obumanyirivu Katonda bw'abakozesezza mu bulamu bwabwe. Kino kizaala okukkiriza n'okukula mu balala, nabo basobole okukoma ku bulamu bw'abalala (2 Timoseewo 2:2).

Bw'oba weekenneanya ensonga zino wammanga, weetegereze ebintu ebikulu ebikwatagana n'okufuula abantu abayigirizwa. Bw'otunuulira obulungi, ojja kulaba nti ennyinnyonnyola eno ennyonnyola ekigendererwa n'enkola Kristo bye yategeeza abayigirizwa be. Fumiitiriza ku nnyinnyonnyola eno.

Fuula abayigirizwa: (kigambo ekyokukola, Oluyonaani) "Matheteuo," kitegeeza okufuula omuyigirizwa (Matayo 28:19; Ebikolwa 14:21); Yigiriza n'ekigendererwa eky'okufuula omuyigirizwa (Matayo 13:52). Si kye kimu n'ekya "okufuula abakiriza," wadde nga ddala amakulu ago gazingizidwamu. Ekigambo "fuula abayigirizwa" kissa esira ku nsoga egamba nti ebirowoozo, nga kwotadde n'omutima n'okusalawo, biteekwa okuwangulwa Katonda nga tuyigiriza abakkiriza abapya ku ngeri y'okugobereramu Yesu, okugondera obufuzi bwa Yesu, n'okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe obw'okusaasira. Era kizingiramu okuleeta abantu mu nkolagana ne Yesu ng'abayizi eri omuyigiriza n'okubaleetera okwetwalira ekikoligo ky'ebilagiro bye, Okukkiriza ebigambo bye nga bya mazima, n'okugondera by'ayagala ng'ekituufu." —Matayo 11:29.

Pawulo yayolesa empisa eno mu buweereza bwe bwonna. Yamala emyaka essatu mu Efaeso nga ayigiriza abakkiriza "mu kuteesa kwonna okwa Katonda," basobole okukula mu Kristo (Ebikolwa 20:27-31). Nate era yayigiriza abakulembeze, n'abasomesa okukola ky'ekimu, okumala amaanyi g'abwe n'ebiseera nga basomesa abakkiriza abalala (2 Timosewo 2:2). Pawulo ne Balunabba baddayo eri abakkiriza mu kibuga Lisitula, Ikonio ne Antiyokiya "Olw'okunyweza emmeeme z'abakkiriza, nokuzaamu amaanyi okunyikiriranga mu kukkiriza" (Ebikolwa 14:21-22). Okunyweza kitegeeza baagabana ekigambo kya Katonda, n'okuzaamu amaanyi kitegeeza bagamba abakkiriza okugondera, n'okugumiikiriza ebiragiro bya Kristo.

Kati katugende ku kitundu eky'okusatu eky'obuwereza bwa FDM kuntekateka ey'okutwala eky'okulabirako kya Kristo munkolagana zaffe.

## OKUKOLERA KU KY'OKULABIRAKO KYA KRISTO

Yesu yatuwa eky'okulabirako ekisinga ku ki kye kifaanana okuyigiriza abalala! Yesu yagamba,

Kubanga mbawadde eky'okulabirako era nga bwe mbakoze nze, nammwe mukolenga bwe mutyo. Ddala ddala mbagamba nti omuddu tasinga bukulu mukama we; so omutume tasinga bukulu oli eyamutuma. (Yokaana 13:15-16)

Yalonda abasajja kumi na babiri n'abayigiriza; bafuuka omusingi gw'ekkanisa ye, oluvanyuma Omwoyo omutukuvu nga amaze okujja n'abeera mu bbo nga ekisuubizo kya Yesu bwe kyali. Abasajja bano beeyiwa mubalala nga abakulembeze abeesigwa era abasomesa ebyo Yesu bye ya bayigiriza.

Okuyigiriza oba obuyigirizwa gwe mutendera gwe tugoberera okuyamba abantu okufuuka nga Kristo. Newankubadde ebigambo bino by'enyini tebikozesebwa mu baibuli, omulamwa gw'olesebwa mu bulambulukufu mungeri yesu gye yayigirizaamu abagoberezi be, ne mu byawandiikibwa ebyenjawulo nga Matayo 28:19-20 ne munyiriri endala mundagaano empya.

Nga tweyongerayo mu kuyiga okulala tujja kulaba enkwatagana wakati w'okunyonyola kwe twakamala okuyiga n'engeri y'okuyigirizamu abo abali mu bulamu bwo.

Ennyinnyonyola eno ey'okuyigiriza okuva eri Greg Ogden era eyogera ku ndowooza za Baibuli ze tulina okukoza ng'abakulembeze b'ekkanisa n'abakkiriza.

**Okuyigiriza/Obuyigirizwa;** "Obuyigirizwa y'enkolagana gye tutambula nayo n'abayigiriza abalala okubabuulirira, okubazimba n'okusomooza buli muntu munne mu kwagala, okukula oktuuka mu kigera kya Kristo. Kino kitwaliramu okuzimba omuyigirizwa naye okuyigiriza abalala."

Newankubadde okunyonyola kwe kigambo kino kutwaliramu n'obuyigirizwa bona, nandiyagadde nkifaananye ku bakulembeze mu kkanisa n'enkolagana y'abwe n'ekisibo. Ekifaananyi ky'obuyigirizwa kino kinyonyola kiki amakkanisa kye gandibadde gakola era kinyonyola ki Kristo kye yakola n'abayigirizwa be. Okuyigiriza abakkiriza mu mazima mu kkanisa kitegeesa kubeera n'enkolagana ey'ekigendererwa nabo. Buno bwe buvunanyizibwa bwaffe. Yesu yayita abayigirizwa be okumugoberera, oba okutambula awamu naye, naye yalina ekigendererwa mu kutwala eddaala erisooka. Tulina okitegeera nti enkolagana ez'ekigendererwa tezibaawo mu butanwa; watekeddwa okubaawo enkola eyabagibwaawo edda nga ekuumiddwa era nga egenda egobererwa. Kino ekitabo kikwata kw'ekyo—okukuwa enkola enakuyamba okutandika obuyigirizwa.

Omuyigirizwa tayinza kweyongerayo mu kukkiriza nga tawadeyo biseera nakufaayo eri okuyiga. Amaka gali mubizibu leero kuba gandiba nga tegamanyi ebyo ebiriwo okugayamba, oba tegafaayo okuyiga n'okugoberera ekigambo kya Katonda.

Abagalana abakristaayo bangi batebenkedde mu nkolagana eziri ewala ennyo kwezo Katonda z'abagaliza. Bameka abatamanyi wa owokuja obuyambi bwebetaaga? Kirabika nga ensirika ez'enkomerero ya wiiki, obutabo, n'okubuulirirwa tebiyambye.

Yesu yalaga nti eky'okuddamu ekisinga kiri mu butabo na kweyawulako? Nedda, agamba,

"Kubanga mbawadde ekyokulabirako, era nga bwembakoze, nammwe mukolenga bwe mutyo." (Yokaana 13:15)

Ekkanisa kijikakatako okutegeera nti okwewaywula n'okuweebwa amagezi biyamba, naye tebiteekeddwa kuwanyisibwa na kuyigirizibwa bwekituuka ku kuzimba abantu okulakulana mu bulamu obw'ekikristaayo.

Yesu bulijo alwanirira ekyokulabirako ky'obuntu n'enkolagana ye ng'olutalo olusooka okulwanyisa ekibi. Kino ky'etaaga obudde obumalibwa mu nkolagana n'omuntu omwetegefu okwewaaayo eri okukula mu mwoyo n'okwewayongerayo kw'omulala. Kino kye ky'okubeera omuyigirizwa, okufuba kw'omukkiriza eyagezesebwa okuyitira mu kubonaabona n'okukemebwa era ng'ayize obuwulize – omuntu kakaano asobola era omwetefutefu okuyimirira ku lw'omulala oba ku lw'abalala, okubalunyjamya, n'okubasomesa, n'okubanyweza.

Wetaga bwetaazi kutunulira bulamu bwa Yesu okumanya engeri gye yayigirazaamu abalala. Emirundi mingi yaweerezanga eri abo abaali bamwetoolodde; N'abatume be nabo – Abatume be nabo—beeyongera okufuka obulamu bwabwe mu balala, nga bayigiriza era nga balaga katonda by'ayagala. Olukalala lw'ebiyokulabirako lweylese; obuyigirizwa mugendo Yesu gwe yalekawo gw'eyongere mu bagoberezi be abesigwa.

Nga bwe tusoma mu bitabo by'enjiri, tulaba engeri Kristo gye yafukumulamu obulamu bwe mu basajja kumi na babiri beyanoonya mubalala era bebo abakkiriza okumugoberera—yabayigiriza okumala emyaka esatu. Baayiga, babuuza ebibuuzo, bawuliriza by'eyayigiriza, ne batandika n'okukopa eneeyisa ye. Buli gye yalaganga, eyo, kye kyabanga ekibina kyabwe. Yesu yabayigirizanga okuva kusomo ly'obulamu erimu okudda kuddala; Bwe batategeeranga nsonga, yayimirizangaamu n'abanyonyola (Makko 4:34); yanyonyolanga bwe batategeranga kintu (Makko 9:19-29). Era n'abanenya olw'obutaba na kukkiriza bwe kyaali kyeetaagisa (Makko 9:19-29).

Yesu bwe yagenda mu buweereza bwe mu lujjudde, yayita bona abajja gy'ali okumugoberera n'abagamba nti, "mugoberere eky'okulabirako kyange, muyigire kunze, mubeere abayigrizwa bange." Bwe kityo era abakkiriza bona balagirwa okugoberera eky'okulabirako kya Kristo, ekitegeeza okutuuuka eri abalala n'omutima omwetegefu okubayigiriza, okubasomesa n'okubanyweza mu kukkiriza.

Mu ssomo eriddako, tutunuulira ebika by'abantu bibiri abeetaga okufaayo kwaffe—obukulembeze mu kkanisa, nga mwemuli abasumba, abadyankoni, abaweereza, n'abakulembeze abalala. Ekika eky'okubiri—buli mukkiriza, endiga zaffe. Tutuukiriza tutya obuyigirizwa bunno gye bali? Katulabe.

## YIGIRIZA BULI MUKULEMBEZE

Obuweereza obwanamaddala bumala gabaawo? Nedda! Watekeddwa okubaawo okwolesebwa (Engero 29:18) n'encola enungamu eteekeddwawo. Katonda atulabula ku kuyoogaana (1 Abakkolinso 14:33); abo abali mu bukulembeze bakimanyi nti ebirubirirwa ebirungi biyinza okwonooneka ne bifuuka eby'okukola ebingi, pulogulaamu ez'amagezi, n'ebintu ebirala ebiwugula okuva ku kigendererwa ekikulu. Bwetuba bakutuukiriza kuyitibwa kwa Katonda eri obuyigirizwa mu kkanisa, watekeddwa okubaawo okwolesebwa, entekateka enungamu n'okuteeka munkola.

Omukulembeze mu kkanisa ateekeddwa okumanya ekigambo kya Katonda era alina okwewaayo okutambilira mu bwulize ne mu maanyi. Tewali ayinza kuba nga atuukiridde, naye omukkiriza alina okutegeera obulamu obw'omuyigirizwa era n'okutambilira mukubo ery'okusobola okukulembera abalala. Nga ebitabo byaffe bwe byoleka, waliwo omutendera n'encola ey'obuweereza bw'obuyigirizwa. Waliwo abakristaayo, n'abakulembeze mu kkanisa, abatayigirizibwanga kubukulu obw'okweewayo bulijjo, okubeera mu Kristo, amazima agasookerwako ag'okukkiriza, n'ebiragiro bya baibuli ku kulabirira abagalwa n'abaana. N'olwekyo, tuwa amagezi buli mukulembeze okuyita mukutendekebwa kuno okusookera ddala.

Lwaki kino kye kirina okusooka? Kubanga abakkiriza tebasobola kukulembera balala mu bulamu bwe batategeera bo benyini era bwe batenyigiddeemu. Okuleka nga abakulembeze bamanyi era nga bagoberera okwagala n'amakubo ga Katonda mubulamu bwabwe, wajja kubaawo obuzibu eri omubiri gwa Kristo kubanga amaka gabwe tegayimiridde bulungi (Tito 2:7; 1 Timoseewo 3:4-12).

Abasumba basoomozebwa okuyita mu butabo bwaffe bwetugaba, bo benyini baloze ku kibala ky'okuyiga kuno. Awo, oluvanyuma lw'usuubi n'okulumirizibwa, osobola okutandika okuyigiriza abakulembeze bo.

Ffe aba FDM tukubiriza okwekenneensa ebitabo byaffe ebisatu:

Omusingi Gw'omukristayo og'Wamazima: Omusingi Omunyewu, Obufumbo nabwo Buwerez Mu Bitundu, ne Okukuza Abaan Nabwo Buwerez Mu Bitundu. Obutabo obwokusomera kumutimbaganu buba bwa bwereere ku [www.discipleshipworkbooks.com](http://www.discipleshipworkbooks.com), oba obutabo obw'Okukubyamu busangibwa ku [www.fdm.world](http://www.fdm.world).

Omukadde oba omukulembeze ayise mu katabo era nga ateeka munkola enono n'obwesigwa, era nga mwetefutefu okugenda mumaaso, asobola okutandika okuyigiriza abalala. Emyaka kumi ejjiyise, tulabye omugendo guno mu makkanisa ku kitunudu, mu gwanga n'ebulaaya. Kireeta essuubi, enkyukakyuka n'okugulumiza amaanyi ga Katonda mu bakkiriza abakyenyigiramu.

Nga tuyigiriza abalala n'ebigambo bino, okulondoola kikulu nnyo okulaba nga bateeka munkola ennono mubulamu bwabwe ne mu maka gabwe. Tukizudde nti okusigala kumulamwa kizibu awatali mbalirira; abakristaayo bangi, n'abo abali mu bukulembeze mu kkanisa, tebategeera bulungi kabi akava mu kwekiranya n'ebiragiro bya Katonda. Omusumba alina okuba omwegendereza era ng'ategeeza bulungi nti amazima g'ekigambo kya Katonda si birowoozo bulowoozo.

Bwatyo bw'ayogera mukama, omununuzi wo, omutukuvu wa Israeri: "Nze mukama Katonda wo, akuyigiriza okugasa, akukulembera mukkubo ly'oba oyitamu. Singa wawulira amateeka gange! Kale emirembe gyo gyandibadde ng'omugga, n'obutuukirivu bwo ng'amayengo g'enyanja: era n'ezadde lyo lyandibadde ng'omusenyu, n'abenda yo ng'empeke zaagwo:

erinya lye teryandisangulidwa so teryandizikiridde mu maaso gange." (1Saaya48:17-19)

Katonda ayagala agulumizibwe mu buli era okuyita mu buli mwana we. Okukola emirimu emingi si kwekutufuula abaweereza abalungi aba Kristo, naye okukola okwagala kwa Katonda (1 Samwiiri 15:22-23). Katonda era awa ebiragiyo eri abasumba kumbala y'abo abateekeddwa okuba abakulembeze.

Naye omuntu bw'atamanya kufuga nnyumba ye, ayinza atya okujjanjaba ekkansa ya Katonda? (1Timoseewo3:5)

Era nate abo basookenga okukemebwa, balyoke baweereze, nga tebaliiko kya kunenyezebw. (1Timoseewo3:10)

Enzivuunula eya Baibuli ya Amplified egamba,

Era basooke bagezesebwe, era banoonyerezebwko era bakakasibwe okusooka; bwe baba waggulu w'ekivume, awo baweereze [nga abadyankoni]. (1Timoseewo3:10)

Ekimu kubyawadiikibwa waggulu kigamba "basooke bagezesebwe" ekitegeesa ekiseera eky'okugonda mu kufaayo n'okutuukiriza okwagala kwa Katonda. Omusumba alina obuyinza era Katonda amulagira okuyigiriza abakulembeze be. Endiga ezo mukama zasadde ebirabo eby'enjawulo okuzimba omubiri gwa Kristo zitekeddwaa okusooka okuyigirizibwa n'okuweebwa ekiseera okwolesa obuwulize. Kikulu nnyo omusumba okukubiriza obukulembeze be okulaba ebiragiyo bino nga ekyetaago ekikulu ekirina okutekebw. munkola mubulamu bwabwe.

Omuntu yenna takunyoomanga lwa buvubuuka bwo; naye beeranga kyakulabirako eri abo abakkiriza mu kwogeranga, mu kutambulanga, mu kwagalanga, mu kukkirizanga, mu kubanga omulongoofu. (1 Timoseewo 4:12)

Kale mbuulirira abakadde abali mu mmwe nze mukadde munammwe era omutegeeza we bibonoobono bya Kristo, era agabanira awamu ekitiibwa ekigenda okubikkulirwa: mulundenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, nga mukirabirira si lwa maanyi naye lwa kwagala, nga Katonda bw'ayagala so si lwa kwegomba amagoba mu bukuusa, naye lwa mwoyo; so si ng'abeefuula abaami b'ebyo bye mwateresebw, naye nga mubeeranga kya kulabirako eri ekisibo: Era omusumba omukulu bw'alirabisibwa, muliweebwa engule ey'ekitiibwa etewotoka. (1 Peetero 5:1-4)

Mubeere munze, nange mu mmwe. Ng'ettabi bwe litayinza kubala bibala lyokka, bwe litabeera mu muzabbibu, bwe kityo nammwe temuyinza, bwe mutabeera munze. Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera munze, nange muye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola. Omuntu bw'atabeera munze, asuulibwa ebweeru ng'ettabi, akala; bagakkungaanya, bagasuula mu muliro, ne gaggya. Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabe nga kye mwagala kyona, munaakikolerwanga. Mukino kitange agulumizibwa, mubalenga ebibala bingi; era munabanga abayigirizwa bange. (Yokaana 15:4-8)

Kitera okubaawo abasumba okusinkana okuwakanyizibwa bwe banjula obubaka buno eri obukulembeze bwabwe. Abamu bawulira nga batiiiddwa, era n'abalala bakitwala okuba nga ekitetagisa oba balowooza nti tebetaaga buyambi. Kakasa ababuuusabuusa nti bagoberera ekiragiyo

Obuyigirizwa

kya Katonda mu 1 Timoseewo 3:1-12 ne Tito 2:7. Nga abakulembeze, bavunaanibwa Katonda kubuli mukisa okuwa amagezi, okuyigiriza oba okulunjnjamyam omuntu. Kya makulu nnyo omusumba okufaayo eri ebigambo bye, kuba baweereza wansi w'okulagira kwe.

Abantu abapya bwe bagala okwenyigira mubukulembeze bw'ekkanisa, omusumba oba omuntu yenna atekeddawo, alina okubayigiriza okuyita mu bigambo bino era n'alekawo ekiseera eky'okubeetegereza. Balina okuba nga bateeka munkola enono mu bwesigwa era nga boolesa okutegeera amazima ge bayize nga tebanaweebwa bifo. Tukukubiriza bulijjo okubayisa mu butabo bwonna obusatu newankubadde si bafumbo oba nga tebalina baana. Kino kibanyweza okuweereza oba okuyigiriza mu bifo ekisibo we kiyinza okuba nga kirafuubana.

Abasumba bangi tebayigirizibwangako era tebafunanga mukisa gwa mukkiriza akuze mu mwoyo okubeeyabizaamu okumala ekiseera nga abalaga engeri Yesu gye yanywezaamu abayigirizwa be. Tekiri mukuwa muntu kitabo olw'o n'omusisinkana okumubuuza kiki kya yize. Newakubadde tekiri mukubaleeta mu kibiina oba okubayisa mu vidiyo bokka ku lwabwe. Okuyigiriza kuzingiramu okusoma bulijjo, okufumitiriza ku mazima g'ekigambo kya Katonda, okuyamba okuzuula wa awali obuzibu, okutekawo ebirubirirwa n'okuteekawo omusingi ogw'embalirira.

Ebitabo byaffe eby'okujjuzamu biriwo okutuukiriza ekika kino eky'omukwano, okusomesa n'okulondoola. Bw'ayanjula obubaka buno n'okubuteeka munkola mu bwesigwa, omusumba aba agoberera eky'okulabirako kya Yesu eky'okusomesa n'okutendeka abayigirizwa.

Tukimanyi okuyita mubumanyirivu nti abasumba abakola kino balaba okukula mu mwoyo okwewuunyisa mu kisibo. Tukimanyi nti bangi bayinza okulowooza nti enkola eno erabika ng'etwala ebiseera ebingi okusinga obulamu bwaffe obw'emirimu bwe bukkiriza, naye tetusobola kuggumiza kimala nti obulamu buno n'amazima ga Baibuli agava mu nkola eno bikyusa obulamu bwaffe! Bwe kiba nga mukama waffe n'abatume baakozesa enkola eno ey'okuyigiriza okuyamba abakkiriza okumanya n'okugoberera okwagala kwa Katonda, awo tuyinza tutya obutakkiriza kuwaayo obudde? Jjukira, obuyigiriza bwa buli mukkiriza era bulagirwa Katonda. Abakulembeze balina kubera kyakulabirako.

Kubanga mbawadde eky'okulabirako, era nga bwe mbakoze nze, nammwe mukole bwe mutyo. Ddala ddala mbagamba nti omuddu tasinga bukulu mukama we; so omutume tasinga bukulu oli eya mutuma. Bwe mubimanya ebyo, mulina omukisa bwe mubikola. (Yokaana 13:15-17)

## YIGIRIZA BULI MUKKIRIZA.

Ekiragiro kya Yesu ekikulu, "mugende mufuule abayigirizwa" (Matayo 28:19-20), kikola ku bakkiriza bonna. Naye abakristaayo bangi tebegerageranya ku kubeera bayigirizwa, nga bangi kubo baktwala nti ky'abali ab'amaanyi, nga bbo tebakigwanidde. Bangi balowooza ekibiina eky'obuyigirizwa kyekyo webayigira ebisookerwako eby'enzikkiriza y'abakristaayo. Amakkanisa mangi gatwaala obuyigirizwa okubeera essomo ery'omulundi oggumu, naye kino yesu si kye yategeeza bwe yagamba: "mufuule abayigirizwa."

Ye kyeky'okulabirako kyaffe era enkola ye yali ya muntu ku muntu era kyatwaala obudde obuwerako. Kristo yagenderera abagoberezi be bayigiriziganye buli muntu munne, okwezaamu amanyi n'okuwa buli omu embalirira ku munne. Baibuli eyogera ku kusabira awamu era n'okwatulirangana ebibi byaffe. Bakkiriza bameka abatambulira mubulamu buno oba abamanyi nti eno ntekateeka ya Katonda gye bali? Buli mukkiriza yetaaga okumanya nti Kristo amuyise okubeera omuyigirizwa. Era buli mukkiriza yetaaga okumanya nti yayitiba "okufuula abalala abayigirizwa." Ekkanisa erina okubeera eggae ery'amaanyi mukubuulira enjiri ne mukuzimba abaaana ba Katonda.

Mu Tito 2:1-10, Pawulo awa Tito ekiteeso eky'okuyigiriza munda mukkanisa; abakkiriza abakadde balina okusomesa n'okuzimba abato, nga bakakasa nti empisa zaabwe kyakulabirako eky'obutukuvu n'ebikolwa ebirungi ebisimbiddwa munjigiriza engumu n'e mukweziyiza. Era mu Baebulaniya 5:12-14, omuwandiisi alaga nti abakkiriza balina okukula, obutabeera nate baana bato, naye abalina okusobola okulya emmere nga kye kigambo kya Katonda. Okweyongera kw'omu mwoyo bwekeuti, ke kabonero ak'obuyigirizwa. Okuyitiba kuno kugenderera kwenyigira mu bulamu bw'abalala, n'okuwaayo obudde, n'okubayamba okuyiga okukola okwagala kwa Katonda mu bulamu bwabwe. Nate era tulaba nti okuyitiba kuno tekukolebwaa musumba yekka n'abamwetolodde.

Omusumba ne bakola nabo kyebabanjibwa ekisibo, bwe buvunanyizibwa obw'okuteeka munkola enteekateeka y'obuyigirizwa. Buli mukkiriza yandibadde musanyufu kukirubirirwa eky'okufuuka omuyigirizwa wa mukama we Yesu Kristo ey'ewaddeyo. Obukulembeze bwetaaga okwolesa kino, naye awatali kwolesabwa n'ankola nambulukufu ekoleddwa omusumba, kiyinza obutabaawo. Obutabo bwetugaba, bujjudde ekigambo kya Katonda n'amazima, ebikozesebe okukula mu mwoyo, n'okuzimba abatukuvu okulabirira ebirubirirwa ebisatu Katonda by'atadde mu bulamu bwabwe. Katonda ayogera ku bweetavu n'omugaso gw'okubeera mumpisa ennungi okuyita mu kigambo kye wonna. Bw'ogoberera ebiragiro n'emitendera egitereddwaawo mububaka bwaffe, enkola empya zija kumeruka era obulamu bw'abantu bunji bujja kukyusibwa. Okulondoola nkola eyetaagisa ennyo era eri ku musingi gwa baibuli. Okuloondola kukakasa nti obuyigirizwa bugenda mumaaso.

Amakanisa mangi galina pulogulaamu oba obuweereza obw'enjawulo obukwata ku buli mutendera gw'obulamu bw'ekibiina kyabwe. Kino kirungi, naye ekyo ekiyigirizibwa mubbo kye kikulu ennyo. Katutunuulire obuweereza obukulu n'engeri gy'oyinza okukozesa obubaka bw'obuweereza bwa FDM okuyigiriza. Omulamwa guli mukutuuka eri ekisibo kyo wonna gye bali.

### **Amasomo go'bufumbo n'okukuza abaana.**

Engeri enuungi ey'okutandikamu obuyigirizwa mu kiti kino, kwe kuwaayo amasomo ga mirundi ena nga gayita mubuli katabo nga obwetaavu bwe buli. N'enkola eno, abagalana abayinza okwetaaga

## Obuyigirizwa

obuyambi obw'amangu basobola okuyingira mu ssomo epya ebizibu nga tebinasajjuka. Omukulembeze alina okuba omuntu amaze okwemanyiiza obubaka bw'obutabo era nga atambulira munono zaabwo mubulamu bwe. Ekifo w'oyigiriza kiri eri gwe okulondawo, oba ku kkanisa, oba wakka. Amasomo gano makulu eri buli myaka na buli mutendera gw'obufumbo, ne mwabo abaluubirira okufumbiriganwa.

Abafumbo nga benyigira mu masomo gano, abakulembeze betaaga okubeera mu ssaala, nti Katonda agolokoseeyo abakulembeze b'obufumbo abayinza okujja ne bayigiriza abagalana. Kisuuibirwa nti embeera ezimu zija kugolokoka nga okufiibwako okwenjawulo kwetagisa, nga okuwabula, n'okuyigiriza okw'omuntu ku muntu. Era kakaano tusaba nti okufuna okwolesebwa kuno kujja kufuuka ekubbo erinaleeta ebibala mu kuweereza kwo eri ekisibo.

Abakkiriza nga benyigiramu, bajja kuzuula ebirabo Omwoyo Omutukuvu bye yabawa okuzimba ekkansa. Abantu nga bategeera okwagala kwa Katonda gye bali nga abaana be, obuweereza bujja kukula era ojja kufuna essanyu, n'obulamu obw'obuwanguzi mwabo abanukula okuyitibwa okw'okubeera abayigirizwa.

Nga ekitundu ku kulondoola, w'egendereze ekimu kubizibu ebikwata abamu, eky'okwetikka obuvunanyizibwa obungi. Noonya okutambula kw'omwoyo omutukuvu ku bantu abapy abutamanyiiridde kuyigirizibwa balala. Kasita ofuna obuweereza bw'amakka n'okukuza abaana nga butambula, kyerambika Iwatu nti bingi ebibadde biruma abagalana emabega, biva mu kukola ku nsoga nga zimaze kugwawo; ekigendererwa kwe kutangira, so si kuyingira mu nsonga oluvannyma Iw'abantu okubeera mu mbeera eyakazigizi. Okukozesa ebitabo bino kijja kukukakasa nti obwetaavu bw'okkuyirizibwa okw'enkalakkalira mu bufumbo bwa nnamaddala Mu kifo ky'okuvvuunula ebintu ebibaddewo okumala ebbanga eddene mu kisenge kye bawabuliraamu.

## Okuwabula.

Okuwabula gwe mukisa ogutuukiridde okwanjula obutabo bwaffe ova obuwandiike. Eky'okulabirako, abagalana bayingira era nga kyeraga Iwatu nti omukyala munyiivu, ova nti omwami akola nnyo. Omuntu bwajja eri omuwabuzi, ova oly'awo mwetegefu okwekolamu omulimu okugonjoola obuzibu bwabwe. Okuwabula okusinziira ku buyigirizwa kujja kubikula ekikolo ky'omwoyo eky'ebizibu; kyolesa obutamanya n'emize emibi gye bakoze. Okugoberera obubonero obwolwatu ova okumala ebiseera okugoberera ensonga z'omubiri ezitaliimu, tekiyamba muntu yenna. Obuzibu obusinga obungi mu bufumbo buva kubutamanya kwagala kwa Katonda n'amakubo g'obufumbo, n'okweyagaliza.

## Gino gye mirimu gy'omuyigirizwa omuwabuzi:

- Balagirire eri Yesu n'ekigambo kye olw'obulokozi, okuwonyezebwa, n'okulagira.
- Yamba omuntu okutegeera Iwaki era kijja kitya ebizibu okuba nga biri mu bulamu bwe.
- Basomese okutambulira mubutuukirivu n'okufaayo eri ebintu Katonda bya bawadde, byonna okusinziira ku kigambo kye.
- Noonya okusonyiwa n'okutabagana we byetagisa.
- Laga okwagala, okuzaamu amanyi, okuyigiriza n'okuwabula.

Obutabo bwaffe buyamba nnyo eri bombi, omuwabuzi n'awabulwa. Butegekeddwa mungeri ey'okusomesa amazima ga Katonda n'okuteeka munkola ebyo ebiyamba okutegeera n'okukola bye bayiga. Abantu abagalira ddala okukyuka bajja kuwaayo obudde okuyiga buli sabiiti. Jjukira, Katonda tajja kukola mungeri ya kya magero ebyo bye tutekeddwa okukola olw'obuwulize. Bwe batakola bye

batekeddwa kukola, awo oyinza bakolera ki? Ekigambo kya Katonda nga kigatiddwa wamu n'okuyayana kwabwe okugoberera okwagala kwe bye bireetera enkyukakyuka.

Omuntu atali mwetegefu kukola kitundu kye naye nga ayagala okumala obudde bwo nga yemulugunya, nga asalira abalala emisango oba okwewolereza Iwaki tasobola kukola Katonda kyamulagira, aba avuma Katonda mubutali bugenderevu. Katonda talimba; ekigambo kye, Omwoyo Omutukuvu, n'okwagala okugonda, bye byoka omuntu bye yetaga okusumululwa n'okutereeza obulamu bwe. Wetaaga okuyimirira ku mazima.

Awatali kubikulirwa, abantu basuula okweziyiza: Naye akwata amateeka alina omukisa. (Engero 29:18)

Enzivuunula eya (Baibuli ya Amplified) egamba:

Awatali kwolesebwa, (tewali kubikulirwa kwa kununulwa kwa Katonda), abantu bazikirira; naye akwata amateeka (aga Katonda nga mwotwalidde nag'omuntu), alina omukisa (musanyufu, wa mukisa era aleteera abalala obujja). (Engero 29:18)

Saba onoonye okulungamya kwa Katonda okugolokosa abayigirizwa okuyamba okuwabula n'okuyigiriza abalala. Abawabuzi balina okuba nga banywezeddwa n'ebikozesebwa n'obutabo obutuufu obukwata ku kunakuwala, obusungu n'enjogera. Ebiseera ebisinga ebizibu ebisinga, bubonero bwa butamanya mumbeera z'obulamu ezimu, omuli obufumbo, obuzadde oba n'obutasonyiwa. Okukwata ku nsonga emu kiyinza obutakwata ku mulandira gw'ebyo ebiretera obulamu obw'omwoyo okuba nga tebutambula bulungi. Jjukira ebizibu ebisinga biva ku butamanya, obujeemu oba ensonga ez'omwoyo. Katonda alina eky'okudamu eri buli muntu anayiga era alina okuyayana okumugoberera.

Okuwabula okulungi kuviiramu bino:

1. Kuleeta okutegeera ensibuko y'ekizibu: ekibi, ekijja olw'obutagonda, obutamanya biri mu kigambo kya Katonda (oba obutasonyiwa).
2. Okunyonyola ekibala ekiva mu bizibu: endowooza ez'ekibi, empisa, embala enkyamu, empisa ezitali za bwa Katonda, obusungu, enjogera embi, n'ebirala.
3. Okukozesa obutabo obuwandiikkidwa okusinziira ku kigambo kya Katonda kikuyamba okunyonyola enono za Katonda, okwanja ensibuko y'ekizibu, n'okuwa okulungamya ku ndowooza n'empisa ennungi. (era kino kitwaliramu obufumbo n'ensonga z'obuzadde).

Obuwandiike bwaffe butekeddwaho okuyamba mu kuwabula: oyinza okutukyalira ku kibanja kyaffe ku: [www.fdm.world](http://www.fdm.world) ne [www.discipleshipworkbooks.com](http://www.discipleshipworkbooks.com), n'ozuula ebisingawo.

## **Obuweereza bw'amaka.**

Mu kuwongayo omwana omuto, osaba Katonda okuwa omukisa omwana n'amaka, naye na kino kikolwa kya Iwatu ekikolebwa abazadde, n'ekigendererwa eky'okuwonga omwana eri mukama. (Engero 22:6). Omusingi gwa kino kwe kukuza omwana nga Katonda bw'alagira mu kigambo kye. Ffe nga ekanisa tutekeddwa okutwala okuwonga kuno okw'olwatu nga kikulu nnyo, era bwe tukikola, tujja kuba n'entekateka eraga okulagira okwa baibuli kungeri y'okukuzamu omwana. Nga bwojja okuyiga okuva mu bitabo byaffe, kino kissuka ku kubaleeta mu kuyiga kw'okusabiiti (Sunday

school), ku kkanisa oba n'okubeera n'okusaba awaka. Obuzadde busomooza, era abazadde bwe batabeera mu Yesu bulijjo ng'abagalana era nga bakola okwagala kwe, bayinza batya okuwangula?

Nga bwe twayogeddeko, abantu batendekebwa olw'emirimu gye baagala okukola, abamu okumalira ddala emyaka mingi era nate kitwala ebiseera n'obumanyirivu omukozesa okuwa omukozi obuvunanyizibwa. Abazadde bangi tebalina butendeke mu buzadde newankubadde nga ekigambo kya Katonda kirimu ebiragiro bingi. Nga omwana omuto tanawongebwayo, abakulembeze mukkanisa batekeddwa okutekawo ekibiina okusomesa okukuza abaana oba omuyigiriza okubayisa mu butabo obukwata ku kuza abaana. Okusomesa abazadde kungeri y'okutondawo embeera y'awaka ey'okwagala, okuyigiriza abaana babwe, okusaba, n'okubeera n'entekateka ey'okugunjula, kikulu nnyo eri okukula kw'omwana. Okunoonyereza kulaga nti abaana abasinga leero bwe bava awaka, baba beyongera okuva mu kukkiriza Katonda.

Abantu nga balaba omukisa ogw'obuyigirizwa munsonga zino, kitekawo omusingi ogw'okutegeera, n'okwolesebwa okw'okuyigiriza abalala. Nga onyonyola nti omwana ono awongeddwa eri Katonda kubanga kirabo ekibaweeddwa okulabirira. okukuzibwa okusinziira ku biragiro bye, bajja kulaba obwetaavu bw'okuyigirizibwa.

Neera, abazadde bateekwa okuba ekyokulabirako eky'obutukuvu bwabwe bo bennyini, awatali ekyo okussa mu nkola ennono z'abazadde tekija kukola bulungi. Obuyigirizwa si kuwa vidiyo n'ebitabo by'okujzaamu okuyitamu ku Iwabwe, wabula kyetaagisa omuntu okubalondoola buli luvanyuma lw'essomo. Abantu bwe batayambibwa, ebiseera ebisinga bawaba mukuwaayo obudde era basobola n'okuwubizibwa mu ebyo ebtali mu byawandiikibwa. Nate era, waliwo emitendera egirina okugobererwa era n'okusigala ku mulamwa nakyo ebiseera ebisinga kizibu.

### **Obuweereza Bw'abavubuka N'okukuza.**

Omusumba wa bavubuka ebiseera ebisinga aba n'okulengera ewala mu maka g'abaana b'asumba. Kikulu nnyo okutekawo empuliziganya wakati w'omusumba w'abavubuka, omusumba w'amaka bwe kiba kyetagisa), n'omusumba omukulu okwanjula abo abasisinkana ebizibu. Kino kiyamba okutuuka eri amaka agalafuubana n'ensonga z'okukuza abaana. Pawulo yagamba abakulembeze mu Efeeso,

Mwekumenga mmwe mwekka n'ekisibo kyonna omwoyo omutukuvu mwe yabateeka mmwe okuba abalabirizi, okulundanga ekkanisa ya Katonda gye yeegulira n'omusaayi gwe yennyini. (Ebikolwa 20:28)

Eno y'ensonga Iwaki kikulu nnyo okutendeka abasumba b'abavubuka n'abamyuka baabwe, mu buyigirizwa ne munteekateeka ya Katonda ey'okukuzaamu abaana. Abasumba b'abavubuka beetaga okutendekebwa kuno okunyikiza obuweereza bwabwe, nga banyonyola ebizibu era nga bawa eby'okuddamu okusinzira mu baibuli oba okusindika abazadde eri abantu abasobola okubayigiriza munsonga eyo.

Kya bulijjo abazadde okuyita n'okusinkana omusumba w'abavubuka ku kulunganya n'okuwa amagezi ku nkwasaganya y'omwana. Omusumba w'abavubuka alina omukisa okuyamba omwana okusigala nga akwatagana ne Mukama, era n'abazadde be. Omusumba omukulu yetaga okutendeka omusumba w'ab'avubuka oyo akikirira, si kkanisa yokka, naye ne Katonda. Wetaga okukakasa nti bawa okuteesa okulungi eri abavubuka n'abazadde abanoonya obuyambi. Osobola okulaba engeri enkola ey'obuyigirizwa bwetondawo omugendo ogw'enkwatagana ey'omwoyo

n'obumu mukkanisa, mubukulembeze ne mukisibo? Katonda bwatyo bw'asuubira abaana be okuzimbibwa.

Waliwo abazadde bangi abayawukana n'abagalwa baabwe, mungeri y'emu n'abavubuka bangi ababeera n'abazadde abatali bakkiriza. Okuweereza eri abaana bano gwe musingi era ekisookerwako mukulabirira abavubuka, nga y'engeri enku lu okugabana okwagala kwa Kristo n'omwana alina enkolagana emenyefu, olwa maama ova taata ataliwo ova olw'obutabaawo bakkiriza waka (Yakobo 1:27). Saba era onoonye okulungamya kwa mukama okugolokosa omukwanaganya w'abavubuka nga alina ebirabo eby'omwoyo n'omutima ogutuuka eri abaana bano. Tutuukirire ku kibanja kyaffe [www.FDM.world](http://www.FDM.world) ku lw'okulunnjamya kungeri y'okuteekawo obuweereza buno.

### **Obuweereza bw'abaami n'abakyala.**

Naye ggwe yogeranga ebisaanira okuyigiriza okw'obulamu: abasajja abakadde balemenga kuba batamiivu, nga balimu ekitiibwa, nga begendereza nga balina obulamu olw'okukkiriza, olw'okwagala, olw'okugumiikiriza: n'abakazi abakadde bwe batyo mukifaananyi kyabwe nga bewombeeka, si abawaayiriza, so si abafugibwa omwenge omungi, abayigiriza ebirungi; balyoke beegenderezesenga abakazi abato okwagalanga babbaabwe, okwagalanga abaana baabwe, okwegenderezanga, okuba n'obulongoofu, okukolanga emirimu mu nnyumba zaabwe, okuba n'ekisa, okugonderanga babbaabwe, ekigambo kya Katonda kiremenga okuvumibwa: n'abavubuka bwe batyo obabuuliriranga okwegendereza: mubigmbo byonna nga weraganga ng'eky'okulabirako eky'ebikolwa ebirungi; mukuyigiriza kwo ng'olaganga obugolokofu, okubaamu, ekitiibwa, ebigambo eby'obulamu ebitanenyezeka; oyo atali ku lulwo alyoke akwatibwenga ensonyi, nga talina kibi kya kutwogerako. (Tito2:1-8)

Ekyawandiikibwa kino kiwa okwolesebwa okunene ku buweereza bw'abaami n'abakyala mu kkanisa. Ky'ekifaananyi ky'abakkristaayo abaami n'abakyala abakuze mu mwoyo, nga basomesa abakkiriza abato mu mwoyo okutambulira mu butukuvu, n'okufaayo eri ebintu Katonda by'abawadde okusinziira ku biragiyo ebiri mu kigambo kye. Kikulu nnyo okubayigiriza kungeri y'okulabiriramu amaka nga omufumbo era omuzadde.

Buvunanyizibwa bw'omusumba omukulu okuteekawo eby'o ebikulu ku biyigirizibwa mu buweereza bwonna mu kkanisa, nga mwotadde obuweereza bw'abaami n'abakyala!

## OKUTANDIKA.

**Saba.** Baibuli egamba nti, tetulwanagana bulwanaganyi na mubiri gwaffe gwoka, naye era n'abamasaza ab'omwoyo n'abobuyinza obw'ekizikiza. Sitaani aleese obuzibe, okuziyiza, n'okutabula mubuyigirizwa; sabira amazima ga Katonda okuwangula mu kkanisa zaffe ne mu maka, era n'okugolokosa abayigirizwa abangi.

**Tendeka abakulembeze.** Abasumba n'abakulembeze, kitandika nammwe. Lambulula okwolesebwa n'encola ey'obuyigirizwa mukisibo kyo. Okulungamya ku ngeri y'enkolagana ya Katonda enambulukufu, okutegeera ki obuyigirizwa obw'amazima kye butegeeza era bukwata kw'ani, n'okutwala eky'okulabirako kya Kristo mu buyigirizwa nga batabagana n'abantu, byonna kitundu kuntekateka y'obuyigirizwa ennungi. Bayigirize ku kubeera mu Kristo-ekisookerwako ekikulu oluvanyuma lw'okulokoka, ekiddirirwa okusomesa amazima amakulu agasookerwako ag'okukkiriza okw'ekikristaayo, okulabirira obufumbo n'obuzadde, bye bimu ebikulu eri Katonda. Jjukira, 1 Timoseewo 3:4-5 egamba nti, amaka g'omukulembeze bwegaba tegateredde, obuweereza bubeera bunafu.

**Tekawo omusumba oba omuweereza okulabirira obuweereza.** Obuyigirizwa kwagala kwa Katonda eri buli mukkiriza, naye ebiseera ebisinga, nkola mpya. Okwolesebwa okw'okutekawo ekigendererwa ekikulu eky'ekkanisa, kiva ku musumba nga abuulira era nga ayigiriza ekibiina; omugaso gw'okuyigiriza guteekeddwa okutegeezebwa n'emitterera nebitekebwba munkola.

**Tukubiriza okukoza obutabo bwaffe:** Omusingi gw'Obukristaayo ogw'Amazima; Omusingi omunyevu ogw'omuyigirizwa. Obufumbo buweereza n'okukuza abaana buweereza. Enzivunuula ez'okumitimbagano za bwerere ku kibanja kyaffe [www.discipleshipworkbooks.com](http://www.discipleshipworkbooks.com)

## OMULANGA OGW'OKUTEKA MUNKOLA

Mu oyo omubiri gwona bwe gugattibwa obulungi ne gunywezebwa awamu buli nnyingo ng'ereeta ebyayo, ng'okukola mu kigera okwa buli kitundu bwe kuli, omubiri gweyongera okukula olw'okwezimba mu kwagalana. (Abafeeso 4:16)

Okikute ekyo? "Ng'okukola okwa buli kitundu bwe kuli," n'olwekyo twetaaga okukiriza okuyitibwa kuno era tukole ekitundu kyaffe. Kisuubizo nti obuwulize buleeta omukisa, era buli mukkiriza ayagala okuweebwa omukisa. Kya mukisa nnyo okuyigiriza abalala. Okuloza ku maanyi ga Katonda ng'akyusa abalala, n'okulaba Katonda ng'awonya era ng'anyweeza amaka.

Amaka amanywevu makulu nnyo. Tulaba mu ssuula ebbiri ezisooka eza baibuli nti amaka kye kitongole ekisooka Katonda kye yatonda. Endagaano empya n'enkadde bitandika na ngero z'amaka. Eggwanga lya Isiraeri lya kula kuva mu maka agamu. Era okwagala kusooka kwogerwako mu Luberyeberye 22:2, wetuyigira ku kwagala kwa Ibulayimu eri omwana we. Mu Kyamateeka 6:1-9, Katonda yakirambulula nti okubeerawo kwa Israeli nga eggwanga kwali kwetaaga abazadde okuyigiriza n'okutendeka abaana babwe, okubakuza nga basinziira ku biragiyo bye. Omulokozi waffe yajja munsi munno nga ayita mu maka agamu era n'akola eky'amagero kye ekyasooka ku mbaga.

Obutukuvu bw'obufumbo bulagibwa mu Bafeeso 5:25, Katonda nga alagira omwami okwagala mukyala we mungeri y'emu Kristo gye yewayo okwagala ekkanisa ye. Mulunyiriri olwa 22, Katonda ayita abakyala okuwa abaami baabwe ekitiibwa n'okubagondera okusobola okulaga ensi ki Katonda ky'ayagala okuva mu batukuvu be. Ebyo by'ebimu kuby'okulabirako ebisonga ku bukulu Katonda bw'ateeka ku maka. Era bwekiba nga amaka kikulu eri Katonda, bwekityo kyandibadde kikulu eri ekkanisa.

Okumala emyaka, amakkanisa g'eyongedde okukula mu buweereza bw'abaana n'abavubuka nga gasukuluma ku kubbeera obubeezi "n'amasomo ag'okusabiiti" n'okufuna abasumba b'abavubuka okukuza obubondo n'emirimu ejenjawulo. Kirambulukufu nti amakkanisa gafudde abavubuka ekitundi ekikulu; naye ate, mangi gakoze kitono ekigendereddwanu okusomesa n'okunyweza obufumbo n'abazadde abakola amaka g'abaana abo. Ffaayo nnyo ku baami abafumbo, abakyala abafumbo, n'ekubuzadde nga bwetukola ku bavubuka, awo tulyoke tulabe enkyukakyuka eya dddala mu maka ne mukkanisa ng'omubiri. Okunoonyereza kulaga nti abaana abakuzibwa okusinziira ku nnono za baibuli n'abo abazadde abafumiitiriza ku Kristo mubulamu bwabwe, bayinza nnyo okutambula ne Kristo mubulamu bwabwe nga bamaze okuva awaka.

Baibuli kye kitabo ekisinga okwogera ku bufumbo n'amaka ekyali kiwandiikkidwa, naye ebiragiyo ebirungamya bisasaanye mu kyo. Bwetuba tussa essira ku ssomo erimu ery'okuyiga n'okulunjnjamya, kiyamba nnyo okubeera n'obutabo bwaffe. Enteekateeka ye nnono, amateeka, n'ebibuzzo ebirungamiziddwa bisobola okuleeta enkulakulana kungeri y'okuyigirizaamu abantu mu kkanisa. Abakristaayo abazimbiddwa n'ebikozesebwaa bino era nga bafunye ekiseera okubissa munkola mubulamu bwabwe, basobola okuyimirira okuyigiriza abalala nga babayamba okuyita munsonga z'obufumbo n'okukuza abaana. Eno y'engeri gyetujja okulabamu amaka nga gazimbibwa n'okuwa Katonda ekitiibwa. Ekkanisa yetaga okwolesewba okupya kubuyigirizwa n'ebigendererwa ebirambulukufu bwetuba nga twagalira ddala okukyusa omugendo ogusaanyawo amaka amangi amakristaayo.

Weebuuze ebibuuzo bino:

- Lwaki abakristaayo bangi tebategeera ki kye kitegeeza okubeera omuyigirizwa, oba engeri omuntu gy'afuukamu omuyigirizwa?
- Lwaki abakristaayo bangi tebafaayo kubukulu bw'ebyo bye bafuna mu bulokozi, omukisa gw'okubeera ne Yesu bulijjo mu kuyiga ne mukwewaayo mu kusaba?
- Lwaki abakristaayo bangi tebamanyi nti okubeera mu Kristo buli lunaku, kye kifo wetufuna amaanyi okumugondera?
- Lwaki amaka ga bakkulisitaayo mangi galumwa era gali mu bizibu?
- Ekkanisa essizza omutindo ku biki ebikola amaka amalungi?
- Ekkanisa ekulakulana nga abakristaayo bangi tebamanyi ngeri ya kubeera mu Kristo bulijjo nga n'amaka g'abwe gali bweru wa kwagala kwa Katonda era nga galemereddwa?
- Amakkanisa gaktegeera nti okukyusibwa mulimu gwa Mwoyo Mutukuvu, era obuyigirizwa ntekateeka ya Katonda okuzimba abantu be, era kye kitundu kyaffe?
- Omulimu gw'ekkanisa omukulu kuyamba kukula mu mwoyo - obuyigirizwa?

Ffena tusobola okukkiriza nti ekirubirirwa ky'okubuulira enjiri bwe bulokozi mu Kristo Yesu. Era ffena tusobola okukkiriza nti eno ntandikwa butandikwa ey'obulamu ebyawandiikibwa kye buyita "Okubeera mu Kristo" (Yokaana 15:1-8). Buno bwe bulamu bw'omuyigirizwa wa Kristo; naye ng'okusasaanya enjiri bwe kwetaaga amanyi g'omuntu, bw'ekityo n'engeri y'okukula kw'omukristaayo. Wano obuyigiriza webufuukira obw'omugaso ennyo era buvunanyizibwa obwatuweebwa Yesu mukiragiro kye ekikulu. Obuyigirizwa nkola ey'ekirubirirwa; enkolagana eya sekinoomu wakati w'abakkiriza abazanjanamu amaanyi okuyingira munkolagana ey'omunda ne Yesu Kristo, okukula mu mwoyo, n'okuyiga okulabirira ebintu Katonda by'atuwadde mu kigambo kye. Kino kirimu enjigiriza, okulungamya, okusaba, okuzaamu amaanyi, embalirira, okunenya, okutereeza, ebiseera, n'okwewaayo.


Yesu atulagira okusaasanya enjiri n'okufuula abayigirizwa. Obubuulizi bw'enjiri obw'amaanyi bujja kubaawo nga abakristaayo babeera mu Kristo era nga bagoberera ekigambo kya Katonda mukugondera okwagala kwe. Awo obulamu bwaffe bwe bujja okufaanana n'okuweesa ekitiibwa Katonda omulamu era ow'amazima munsi efa era ey'ekizikiza. Kwe kusaba kwange obubaka buno ku buyigirizwa buzimbe ekkanisa, buleete okwolesewa okuja era okupya, era nti mukama anayimusa abayigirizwa bangi okufaayo eri abalala, nga betegefu okusomesa, okuzaamu amaanyi n'okubeera eky'okulabirako eky'obulamu obw'okubeera mu Yesu ne mu kigambo kye.

Nsaba nti obubaka buno bukuwadde omukisa era n'okuzaamu amaanyi. N'obuwombeefu tuyambe otutegeeze obanga tuyinza okusimba obuweereza bw'obuyigirizwa mu kkanisa yo. Obutabo bwaffe bukozesewa munsi yonna era kakaano tulina bungi ku butabo buno obuvuunuddwa mu nnimi ez'enjawulo. Katonda awa abantu omukisa okwetoloola ensi yonna n'amazima agali mubutabo bwaffe, era tweyongera okutuuka eri amawanga amapya nga tukola enkungaana n'okuyamba amakkanisa okutandika okulaba obukulu bw'enkola ey'obuyigirizwa.

Mukama abawe omukisa, amaka gammwe, n'obuweereza mu Kristo.

Craig Caster

Ebitandikirwako mu Buyigirizwa



## Ebikwata Kumuwandiisi

Omusirusiru. Omuyizi eyalina obuzibu okusoma ebiwandikidwa. Omuyizi wa siniya ey'okusatu naye nga omutindo gw'okusoma eguli ku ddaala ly'ekyookusatu. Omwami atalina ky'amanyi era taata atulugunya. Byona by'ali binyonyola Omusumba Craig Caster mu kiseera ekimu mu bulamu bwe, naye Katonda yalina enteekateeka ya njawulo gy'ali.

Wadde nga Craig yali atya okwogera mu lujjudde, Katonda yamuyita mu buweereza obw'ekiseera kyonna mu 1994. Yafuluma mu kukirira nga talina buyigirize wadde diguli mu seminaaliyo. Yayawulibwa mu 1995 era okuva olwo awandiise ebitabo bina; n'afuula abasajja bangi abayigirizwa; Awabudde ebikumi n'ebikumi; akulembede bangi nnyo eri Kristo; era ayigiriza enkumi n'enkumi okuyitira mu misomo gy'obufumbo n'okukuza abaana, mu zi semina z'abasajja, n'enkuunjaana z'abasumba mu Amerika n'ensi yonna. Byonna olw'ekisa n'amaanyi ga Katonda.

Wadde nga Craig yawa Yesu obulamu bwe mu 1979, enkyukakyuka ze zaatandika bwe yatandika okubeera n'obudde ne Yesu n'Ekgambo kye buli lunaku. Mu butuufu, Yesu ayagala okuba n'enkolagana ey'oku lusegere ne buli omu ku ffe. Obulamu bwe bukyuse emirembe gyonna kubanga agoberera enkolagana eno era yeesigamira ddala ku Kristo.

### **Daamu amaanyi.**

Bw'oba olafubana n'okwesiga nti Katonda asobola okukola mu bulamu bwo n'okuyita mu bulamu bwo, daamu amaanyi olw'ebayaayo bya Paasita Craig. Tokkiriza bibi byo eby'emabega, obuzibu bw'okuyiga, okutya okuyigiriza oba okwogera, oba obutasoma kukulemesa kugondera okuyitibwa kwa Katonda ku bulamu bwo. Katonda ayagala okukufuula omuyigirizwa we, era bw'oba omufumbo oba ng'olina abaana, ayagala okukufuula omufumbo era omuzadde amussaamu ekitiibwa. Ekisa kye kyewuunyisa era tekirina kkomo. Ayagala nnyo era ayagala okugulumizibwa okuyitira mu ggwe.

### **Ebisubizo By'aKatonda gy'Oli.**

Twebaza Katonda olw'ebisuubizo bye ebingi n'enteekateeka ze. Fumiitiriza ku bisuubizo bye okuva mu bigambo bya "Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo."

<sup>1</sup>Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo, eri abo abaaafuna okukkiriza okw'omuwendo omungi nga ffe bwe twakufuna mu butuukirivu bwa Katonda waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo; <sup>2</sup>ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe.

<sup>3</sup>Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye. <sup>4</sup>Mu byo mweyatweera ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo omungi ennyo; olw'ebyo mulyoke muwone okuzikirira okuli mu nsi okuleetebwa okwegomba okubi, mulyoke

mugabane ku bwa Katonda bwe. <sup>5</sup>Olw'ensonga eno mufube okulaba nga, ku kukkiriza kwammwe mwongerako obulungi, era ne ku bulungi bwammwe mwongerako okutegeera; <sup>6</sup>era ne ku kutegeera kwammwe mwongerako okwegendereza; era ne ku kwegendereza kwammwe mwongerako okugumiikiriza; era ne ku kugumiikiriza kwammwe mwongerako okutya Katonda; <sup>7</sup>era ne ku kutya kwammwe Katonda mwongerako okwagala ab'oluganda; era ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe mwongerako okwagala. <sup>8</sup>Kubanga bwe muba n'ebyo ne biba ebingi, bibafuula abatali bagayaavu n'ababala ebibala olw'okutegeerera ddala Mukama waffe Yesu Kristo. (2 Peteero 1:1-8).

Obuyigirizwa

## **Ebikwata Ku Buweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka**

Obuweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka (FDM), obuwereza obwa na kyeewa ekyatandikibwawo mu 1994 n'omutandiisi era omuddukanya omusumba Craig Caster, efuba okuwagira, okusomesa n'okutendeka omubiri gwa Kristo okuweereza amaka. Okusobola oktuukiriza ekigendererwa kino, FDM ewa ebitabo by'okujjuzaamu, obutambi ezibisemba, n'ebikozesebwu ku yintaneeti eby'okusoma kinnoomu, ebibinja ebitono, okusoma mu kibiina ky'awaka, n'obuyigirizwa omu ku omu. Bakola emisomo egikwata ku bufumbo, okukuza abaana, okutegeera abavubuka, n'okuteekateeka abuyigirizwa mu kkanisa.

Ekigendererwa kya FDM mu buweereza kwe kukubiriza, okutendeka n'okuteekateeka abakulembeze b'amakanisa g'Abakrisitaayo okukulaakulanya okwolesebwa kw'okubeera abayigirizwa n'okubawa ebitabo eby'okujjuzaamu eby'esigamye ku Bayibuli okubayamba okuweereza amaka mu makkanisa gabwe. Okuva mu 1995, enkumi n'enkumi z'abantu bamalirizza emisomo gy'obufumbo n'okukuza abaana era ebikumi n'ebikumi by'amakanisa mu Amerika n'ebweru w'eggwanga biweereza ebibiina byabwe nga bakozesa ebantu bya FDM. Obuweereza bwabwe era buyamba amaka mangi okuyitira mu bintu bya yintaneeti eby'obwerefere ebisangibwa ku FDM.world.

FDM yenyigira mu kuwereza mu nsi yonna mu mawanga nga Russia, Ukraine, Cuba, Mexico, Africa, Singapore, Japan ne China. Manya ebisingawo ku FDM.world.